BITM NO. 9

EBIKA BYEMIRIMU

Akatabo kano kanjula ebika byemirimu egisobola okwatagana n'omutandisi wobulimu. Omutonotono. Kunkomerero yakatabo kano ojja kuba nga osobola okwawulawo mulimu ki ogusobola okukolebwa wekka ate n'ogwetaaga okwegatta oba EMAKAMPUNI atekwa okumanya emiganyulo n'egitali miganyulo ebya buli kimu era nokumanya okwawula ekiti mwoyinza okusanira okukolera obulungi (omulimu gwo wegugwa).

EBIKA BY'EMIRIMU

1. OMUSUBUZI EYETENGEREDDE

Omulimu nga guno obwananyini buba mu mikono gya muntu omu ayitibwa omusubuzi eyetengeredde. Addukanya emirimu gye egimanyiddwa olwamanya ge oba erinya lyasazewo okugiyita. Ekyokulabirako nga "James Kayondo omutunzi" oba "Nantongo omulunzi wenkoko" "Saluuni ya Vicky" namalala.

EMIGANYULO

- Eddembe ly'ekyokukola (okusalawo kwanguwa) osalawo ku kintu kyonna nga tewali akutawanyiza nga okuteesa ne banno oba mukamawo.
- Omulimu nga ogwo guddukanyizika kuba mwangu
- Emirimu gyanguwa kubanga tomala budde ngoyita mu bantu abangi okusobola okukukiriza
- Okwatira ddala ku bowereza nga omuntu era n'omanya byebetaaga.
- Amagoba gonna gaba gego.

EBIZIBU

- Okukwataganya emirimu emingi gwe wekka nga okulunda okunoonya akatale, okukuuma ebitabo.
- Obutaba nabukugu bwonna obwokuduukanya mulimu kikosa omulimu nga okutwatamu ensimbi nebilala.
- Omulimu bwegugwa ebibyo bye bitwalibwa
- Obuteyongerayo singa omutandisi oba agenze. Omulimu gutandika nawe ate negugwaawo naawe.

2. OKWEGATTA

Obwananyini buba bwabantu okuva ku babiri okweyongerako abasalawo ku ki ekyokukola nga bali bonna okusobola okukola amagoba. Gino giwangula nga mwakola endagaano eyenzirukanya y'emirimu ate nengabanya yamagoba agavamu.

EMIGANYULO

- Okukungaanya ebikozesebwa kiba kyangu nga (sente) ate n'ebirowoozo okusinga eby'omu.
- Okugabanya emirimu nga buli omu bwasobola obulungi
- Mwena awali okufirwa muba mufiridwa wamu.

EBIZIBU

- Amagoba gagabirwa bangi obutafaananako nga omu
- Mwenna muvunanyizibwa kyenkanyi okusalawo ku lw'omulimu nebwekiba nga ebikoleddwa tobimanyi.
- Mwenna muyinza okwogerwakonga abagudde nebweba nga ensobi ya muntu omu.
- Omu kummwe bwabavamu omulimu guyinza okusatululwa (muba temukyakola era n'ebikozesebwa mubigabana.

ENDAGAANO Y'ABEGASSE

Ku mirimu egyabegasse, kyamugaso nyo okukakasa nti mulina endagaano empandike. Eno eyitibwa "Partnership Deed". (Endagaano yabegassi). Eno eraga bino wamanga:

- Abegasi bano be baani?
- Emirimu gyebakola/gyebenyigiramu
- Ebikozesebwa byebalina (nga ssente, ettaka, ebizimbe, ebyuma etc)
- Enzirukanya y'emirimu era nebibawo nga basasise

Nga bamaze kino baweebwa amagezi okwewandiisa eri aba abawandiika ebitongole mu offisi yaabwe.

AMAKAMPUNI

Kino kiba ekitongole ekyetongodde oba kirina banyinikyo oba abakiddukanya. Kitegeza nti omulimu guyinza okuwozebwa. Bwewabawo okusasulira ebyononeddwa oba ensimbi eza (kooti/abalamuzi) nebirara, zijja kuva mu bikozesebwa ebyakampuni sso si muntu agidukanya.

Ku ludda olulala ekampuni eno nayo esobola okuwabira amakolero amalala oba abantu berinako obuyinza.

EMIGASO

- Omulimu guno teguyimirira nebwewabawo okufa.
- Omuwendo gwa ssente gwossa mu kolero/kampuni guba gwakigero okusinzira ku kyosobola okufiirwa
- (Ababanja – singa ekitongole/kampuni egaba amabanja) ebeera nga eweddemu ssente oba okugifunamu.

EBIZIBU

- Kampuni eno eteekwa okubeera nga yewandisiza eri omuwandiisi wa makolero mu office ye n'okuyita mu bananyiniyo byemwetaaga ebyenjawulo okusobola okugiwandiisa.
- Etteka lisaba amakampuni gano okutegeka ebitabo by'ensimbi ebya buli mwaka – ebitabo bino bikeberwa era biragibwa eri abagitwala (abakiise) mu nkiiko ezituuzibwa eza buli mwaka. Kino oyongera okusasaanyizako ssente okusobola okukikola.
- Oteekwa okujjayo ebyama ebikwatagana n'omulimu nga (amagoba, ebintu byemulina, ebibabanjibwa, abalinamu emigabo n'ebirala) era abangi. Eddaala kwoyanjulira ebintu bino nga olina akalimu akatono emikisa gyalyo giba mitono oba migere.